
# Lenacapavir : Empiso etangira okukwatibwa akawuka ka siriimu



- *Ebika by'abantu abalina okugifuna*
- *Ebirungi ebigirimu*
- *Ekola etya?*

Bya MUSASI WAFFE

EMPISO eziyiza okukwatibwa akawuka ka siriimu etandise okukubibwa abantu era be bagikubyeko, bawa obujulizi.

Empiso eno, eyitibwa Lenacapavir, ekubibwa omuntu mu lususu buli luvannyuma lwa myezi mukaaga n'eyambako okuziyiza omuntu oyo, okukwatibwa akawuka ka siriimu ebitundu 99 ku buli 100.

Lipooti ya 2025 ku kawuka ka siriimu mu Uganda yalaga nti, abantu akakadde kamu n'ekitundu, be bawangaala n'akawuka kano.

Ku abo, 930,000 bawala n'abakyala ate nga 570,000 balenzi n'abasajja. Era lipooti yalaga ng'abantu abapya abawera 14,000 abaakwatibwa akawuka kano omwaka oguwedde, baali bavubuka abali wakati w'emyaka 15 ne 24 kumpi bye bitundu 70 ku buli 100, baali bawala n'abakazi abato. Ng'ebitundu nga 17, bye byali mu balenzi n'abasajja abataali bakomole nga banyumya akaboozi k'ekikulu nga tebakozesezza kondomu.

Kampeyini nnyingi zizze zikolebwa okukendeeza ku kusaasaana kw'akawuka ka siriimu mu bantu era omwaka guno, mu April, empiso eno eya Lenacapavir eziyiza okufuna akawuka ka siriimu yayanjulibwa nga ku olwo, ddoozi 19,000 zaasabuukululwa ne zitwalibwa mu malwaliro agatali gamu, okukubibwa abantu nga zino zaaweebwayo aba Global Fund.

Omukungu okuva mu minisitule y'ebyobulamu, Dr. Hebert Kadama nga y'avunaanyizibwa ku nkola y'okutangira abantu okukwatibwa akawuka ka siriimu Pre-Exposure Prophylaxis (PrEP) agamba nti, era gavumenti egenda kufuna ddoozi endala 7,000 ez'empiso eno, okwongera ku ddoozi eyasooka nga zino Gavumenti ya America ye yaziwaddeyo mu May nga ne mu August, baakuleeta endala.

Dr. Kadama agamba nti, "Tunaagenda okutuuka mu December wa 2026, amalwaliro 300 gasuubirwa okuba nga gawa empiso eno mu Uganda era ebifo ebyalondebwayo, by'ebyo ebikola ku bantu abangi ate nga bye bisingamu akatyabaga k'abantu okuba nga basobola okukwatibwa akawuka ka siriimu amangu."

## EMPISO ENO Y'ETYA?

Lenacapavir, mpiso eziyiza okufuna akawuka ka siriimu. Empiso eno ekubibwa omuntu buli luvannyuma lwa myezi 6 gy'emirundi ebiri mu mwaka.

Dayirekita w'ekitongole kya UNAIDS mu Uganda, Jacqueline Makokha agamba nt, empiso eno, y'emu ku nkola ezireeteddwa okwanguyiza abantu okubeera n'eky'okulondawo mu bingi ebiriwo, okweziyiza okufuna akawuka ka siriimu.

Wabula eno esenvuzza abantu, okuva ku nkola endala ezaasooka okukolebwa ng'oluusi zaalina emitendera mingi egiyitwamu okukakasa nti, omuntu agemeddwa siriimu. Empiso eno eya Lenacapavir eyanguya, nnyangu ate nga yaakugasa nnyo abantu abasinga okubeera mu katyabaga k'okufuna akawuka ka siriimu.

"Ate empiso eno, ewa abantu abatayagala kukozesa nkola ndala ez'okuziyiza siriimu okuli okumira empeke, okukozesa kondomu, n'ebirala okugikozesa obulungi nga tebekkaanyizza," Makokha bwe yayongeddeko.

## EBYEBUUZIBWA KU MPISO ENO

### OGIFUNA OTYA?


Dr. Kadama agamba nti, empiso eno ya bwereere era be bagikuba, banoonya bunoonya ssente za ntambula zibatuusa mu bifo we bassa ddoozi ez'okubakuba. Annyonnyola nti, abagiganyulwamu, be bawala abavubuka n'abato abali wakati w'emyaka 15 ku 24, abawala ab'embuto n'abayonsa kw'ogatta abo abaakazibwako erya 'nneekoleragyange' ne bakasitoma baabwe.

Dr. Kadama ayongerako nti, abantu abalala abaweebwa ddoozi eno be bavubi, baddereeva b'emmotoka ezigenda eng'endo empanvu n'abo abeenyigira mu by'omukwano n'abantu abangi kuba be basinga okubeera mu katyabaga k'okufuna akawuka ka siriimu.

## ANI ALINA OKUGIFUNA?

Dr. Perer Mudiope, akwanaganya eby'okuziyiza HIV okuva mu minisitule y'ebyobulamu agamba nti, abantu ab'ebika eby'enjawulo bafuna empiso eno ng'ekikulu mu byonna, kwe kusooka okwekebeza n'okakasa nti, tolina kawuka ka siriimu era kino bwe kiggwa, basooka kutunuulira abantu abagwa mu ttuluba lino okuli;


1. Abantu abali mu katyabaga akanene ak'okufuna akawuka ka siriimu.
2. Abakaluubirizibwa okumira empeke eza buli lunaku, eziyiza okufuna akawuka ka siriimu eza PrEP.
3. Abawala abaakazibwako erya 'nneekoleragyange' ne bakasitoma baabwe abasajja.
4. Abaakeberebwa ne bazuulibwa n'obulwadde bw'ekikaba mu myezi omukaaga egisembyeyo.
5. Abatasobola kugamba bannaabwe kukozesa kondomu.
6. Abawala abali wakati w'emyaka 15 ku 24.




Eddagala lya Lenacapavir.



Jacqueline Makokha atwala UNAIDS mu ggwanga.



Dr. Herbert Kadama owa minisitule y'ebyobulamu.

## EMPISO ENO EWEEBWA ETYA?

Dr. Kadama agamba nti, empiso ekubibwa okuyita mu lususu era alina okuweebwa endala buli luvannyuma lwa myezi 6.

Era lipooti ya 2025 eya HIV yalaga nga mu kubalirira abaana 4,700 be baazaalibwa n'akawuka ka siriimu mu 2024 era ng'ebibalo by'ekitongole kya UNAIDS biraga nti, ebitundu 50 ku buli 100 ku baana abo abaazaalibwa n'akawuka, baakwatibwa ng'embuto za bannyaabwe zikuliridde.

Wabula okufa kw'abantu nga kuvudde ku siriimu kukendedde okuva ku 54,000 mu 2010 okutuuka ku 20,000 mu 2024.

Era abantu ng'akakadde kamu n'emitwalo 30, be bali ku ddagala lya ARV.

## AMALWALIRO AGAWA EMPISO ENO

Omugatte gw'amalwaliro guli 103 agawa empiso eno okwetooloola eggwanga okuva lwe yasabuukululwa mu April w'omwaka guno.

"Twafuna ddoozi 40 eza Lenacapavir era abantu baatandise okufuna ddoozi yaabwe esooka," Dr. Alfred Mugarura nga y'akulira Mbarara Municipal Council Health Center IV bwe yategeezezza era n'ategeeza nti, abasawo baabangulwa ku ngeri gye bazuula omuntu alina okugikubibwa.

Ate Peter Odeke, ku ddwaaliro lya Lira Regional Referral Hospital agamba nti, baafuna ddoozi 40 kyokka omuwendo gw'abantu abaagala okukubibwa empiso eno, gweyongera.

Dr. Ibrahim Bwaga owa Hoima Regional Referral Hospital naye yakakasizza nga bwe baafuna ddoozi ku mpiso era abamu ku balina okufuna empiso eno, baazifunye.

## Abantu kye bagamba



**Alex Lubwama.** Beetaga okusomesa abantu okutegeera enjawulo eri wakati w'okuziyiza n'okugema kubanga biringa ebifaanagana. Ekirala bwebaba bagireese bayanguye okugiteeka ku buli ddwaaliro.



**Lena vox - Masturah Namugenyi Masturah Namugenyi.** Okuziyiiza nze ndaba akawuka ka mukenenya kaba kasobola okukwata bwoba tewegenderezza. Kirungi okuleeta empiso eyo.



**Nabakka Jackie.** Empiso eziyiza mukenenya mbadde sigiwuliranga, naye lwaki tebaleeta emugema nga bwe bagikukuba omanya tokyayinza kukafuna. Ku kuziyiza oyinza n'okwerabira okuddayo okufuna endala.